

OKULUNGAMIZIBWA KW'OMUKULEMBEZE

Engeri Ey'okukozesaamu Eby'okuyigiriza Kwa Bayibuli Bino.

Baibuli eno - ewa abakulembeze ebikozesewa ebyangu okulungamya obubiina bwabwe okuyita mu kwenyigiramu n'okuyiga ebyawandiikibwa. Obwangu, n'okugenda ebuziba mu by'okuyiga bino kuzzaamu abantu ab'emyaka egy'enjawulo n'emitendera egy'enjawulo mu kukkiriza okwenoonyeza ebyawandiikibwa nga omuntu omu oba nga obubiina obutonotono.

Okuyiga Baibuli kuno kwe kuyiga kwa buli lunaku okulungamya abakwenyigiramu, okuvuganya ku lwabwe nga bakozesa ekitundutundu ekimu eky'ebyawandiikibwa ku lw'okulungamya okw'awamu n'okukubaganya ebirowoozo okwa wiiki eddirira.

Bonna abenyigiramu basoma ekitundutundu ekiba kibaweeddwa buli lunaku ne basaa Katonda basobole okutegeera era ne baddamu ebibuzzo by'olunaku olwo. Buli lunaku, Omwoyo Omutukuvu abikkula amakulu ag'ebuziba era n'agatta okutegeera ku kitundutundu ekyo. Bonna ab'enyigiramu bayiga okusoma ekigambo kya Katonda mu ngeri ey'obwa ssekinoomu nga bezuulira era nga bassa mu nkola amazima ga Katonda agakyusa nga beyambisa engeri enyangu ey'okusomamu Baibuli erambikiddwa wano wamanga:-

- **Okwekenneeny**
Ekyawandiikibwa kigamba ki?
Omulamwa omukulu gwe guli wa?
- **Okuvvuunula**
Ekyawandiikibwa kitegeeza ki?
Bigambo ki ebikulu, eby'ogerwa n'amazima?
- **Enkozes**
Omwovo Omutukuvu ankulembera atya okussa munkola ebyawandiikibwa mu bulamu bwange?

Engeri Ey'okutandikamu Akabiina Akayiga Baibuli.

Tukkiriza nga Katonda ayagala okukukozesa nga bw'oli, w'obeera, by'okola oba n'engeri gy'otabaganamu n'abalala okuleetawo enjawulo kulw'obulamu obtagwaawo.
Okutandika, wano waliwo emitendera esatu:-

1. OKUSABA *....kitandika na kusaba era n'enkolagana.*

ESSAALA

- Sabira mukwano gwo anakuyamba okutandika akabiina ak''okuyiga Baibuli.
- Musabirenga wamu bulijjo. Musabe Katonda enteekateeka ze n'okulungamya kwe.
- Musabe nga bwe mutambula okwetooloola mu kitundu kyammwe. Musabe omukisa gwa Katonda n'obukuumi bwe.
- Musabire abantu nga mwatula amannya gaabwe. Musabe Mukama omwaganya ogw'okusisinkana, okufaayo eri abalala n'okuweerezagananga.
- Mubasabire bafune okuyaayaana okusoma bayibuli.

ENKOLAGANA

- Sisinkana abo ababeera, abakolera mu kitundu gy'obeera oba b'otabagan nabo mu kitundu kyo. Beera wa mukwano era nga ozzaamu amaanyi.
- Tandikawo emboozi, buuza ebibuuzo ebirungi, era beera muwuliriza mulungi.
- Mumaleeko obudde wamu ku ka Caayi oba eky'emisana.
- Noonya emyagaanya gy'okwagala, okugaba n'okuwerezesa.

2. TEEKAWO ENKOLAGANA

.....zuula abo abakyetaaga.

TEEKATEEKA OLUKUNGAANA

- Londa ennaku z'omwezi, obudde n'ekifo.
- Kola olukalala lw'abantu b'oyagala bajje.
- Saba era obaanirize.
- Tekateeka okubawa ebiweweza bw'oba ng'okyagadde.
- Wandiika olukalala lw'ebibuuzo eby'okunyumyaako oba tekateekayo ekintu kye munaakola nga kibagatta nga mukungaanye.

EKIRUNGAMYA OLUKUNGAANA

- Gabula ka caayi oba kakawa, n'obw'okulya obutonotono bwe kiba nga kyagalwa.
- Baanirize, weyanjule era naawe omanye buli omu kubo (weyambise ebibuuzo oba eky'okukola) era obawe akadde okunyimirwa.
- Nga enkomerero y'akaseera ako enateera okutuuka, yogera ekintu nga bw'oti: *Tubadde n'akaseera akasuffu awamu. Njayaana okuteekawo embeera ennungi era n'ekitundu ekifaayo Abantu nga ffe wetuyinza okuyigira Baibuli awamu nga tuzuula kiki ky'eyogera era n'engeri jekikwata ku buli ssekinoomu ku ffe. Bambi muntegeeze oba nga mwandikyagadde.*

3. KULEMBERAMU

.....kaakati tandika.

- Wanula ku Mutimbagano Eby'okuyiga bino era obifulumye mu kyapa buli muntu omuwe.
- Londako kimu ku by'okuyiga ebina Eby'ebi'awandiikibwa Ebikuweereddwa ku Mutimbagano Eby'okuyiga..
- Abayizi bajja kwetaagayo akatabo akatono ak'okuwandiikamu okusobola okukuma ebibeera biddidwamu mu buli bibuuzo by'olunaku.

Engeri Y'okukulemberamu Akabiina Ak'ebi'okuyiga Bya Baibuli.

Tandika n'essaala enyimpimpi.

- Soma olugero olutandikirwako olwa OMUSANA (LIGHT) olulungamya n'okunnyonnyola omulamwa gw'eky'okuyiga.
- Sabayo omuntu yenna okusoma ekitundu ky'ekyawandiikibwa.
- Kulemberamu okuteesa/okubaganya ebirowoozo ku bibuuzo eby'olunaku olwo ebikwata ku by'okuyiga Baibuli.
- Totya kasiriikiriro nga bw'olinda eky'okuddamu. Ekigendererwa kiba kya kuddibwaamu so si mukulembeze okuddamu buli kibuuzo.

Kulw'okuteesa okulungi, kiba kirungi okubeera ng'ojjukiza abantu buli kaseera ebimu ku birungamya okuteesa kwammwe.

- Yogera mu ddobozi eriwulikika eri buli omu.
- Ddamu mu bufunze, tolandalaga nnyo.
- Okuteesa kukuumire nga kwetolorera ku Kristo ne Baibuli.
- Sigala mubuufu obutuufu era toleetaawo bintu bitabulatabula.

Kakasa abantu nti Omwoyo Omutukuvu ajja kwetwalira ekigambo kye, n'embeera yobulamu bwa buli muntu, webatuuse mu lugendo lwabwe olw'omwoyo era basomese buli ssekinoomu kiki Kristo kyayagala bamanye era bakikole mu bulamu bwabwe obwa ssekinoomu.

- Ku nkomerero y'akaseera k'okuyiga bawe ekitundu ky'ekyawandiikibwa ekya wiiki eddako.
- Kubiriza abantu okwaniriza abalala okwegatta mu kuyiga kuno akaseera konna. Kino kitondawo embeera eyaniriza era efaayo eri abantu b'ekitundu.
- Maliriza n'essaala ennyimpimpi.

Ebibuuzo ebirala ebikuyamba okuyiga obulungi.

- Kiki ekirala Katonda kye yakusomesa?
- Osobola okwongera okulambulula mu bujuvu ky'ozzeemu?
- Kiki ekirala omuntu yenna ky'asobola okugatta ku kiddidwamu?
- Kiki ekyasinze okukusanyusa ku lunyiriri olwo?

Okwanjula:

Ebika bingi eby'enfudu z'omunyanja ziri mu katyabaga. Sirwa bisolo ebizirya oba abantu oba olw'obukyafu mu mazzi; naye olw'ekitangaala ekitali kyabutonde ekyongedde okubeera ku mbalama z'agayanja.

Katonda yatonda enfudu z'omunyanja okuzaalibwa ng'omwezi gwa gabogabo. Enfudu z'omunyanaja bwezalura amagi, ekitangala ky'omwezi kiziyamba okutambula okugenda wezibeera – oguyanja. Obulamu bw'enfudu z'omunyanja buli mu mazzi.

Abanonyererza bewunya nnyo okusanga obufudu bw'omunyanja nga bufiridde ku nkomerero y'omukululo gwebwakola mu makati g'ekitangaala kyomwezi n'ekitangaala ekitali kyabutonde ekiva mu mayumba agali ku mbalama, ebitala n'ebivuga. Ekitangaala ekitali kyabutonde kyawuggula enfuddu z'omumazzi nebutuuka n'okufa.

Ekitangaala Essomo lya Baibuli ely'ennaku 5 liija kukuwalula eri Ekitangaala ekitegaanika ekya Yesu. "Nze musana gw'ensi...ekitangaala okikulungamya eri obulamu" (Yokaana 8:12). Era kijja kukuwalula eri ekigambo – "Ekigambo kyange ye ttabaaza eri ebigere byo n'ekitangaala eri ekkubo lyo" (Zabbuli 119:105) era kikuwa amaanyi okubeera ekitangaala kya Kristo mu nsi eyekizikiza "Muli kitangaala ky'ensi... mwakire bona"

(Matayo 5:14).

Buli lunaku nga osoma, ofumiitiriza era nga okola ekigambo kya Katonda mu bulamu bwo, ojja kubeera n'ebikora ebimala okulaba ekitangaala kya sitaani ekitali kya butonde, osigale mu kkubo eryakirwa ekitangaala kya Katonda, era oyake nnyo kulwa Kristo mu maka go ne mu kifo ekikwetolodde.



Ekitangaala © 2017 NBS2GO. Obuyinza bwonna tubwesigariza. Kyawandiikibwa mu Lungereza nga LIGHT © 2016 NBS2GO.
Abaakikyusa era n'okukiteeka mu buwangwa bw'olulimi be ba NBS2GO. <http://www.nbs2go.com>